



خانے کے انبار (Luganda)

# Ekkunganyizo LY'EBYOBUGAGGA



Kino ekitabo kivvunnuddwa mu lulimi  
Oluganda nga abakivvunnudde be ba  
Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila

**Muhammad Ilyas**  
Attar Qadiri Razavi

العاصي رضي

خزانے کے آنبار

Khazānay kay Anbār

# *Ekkunganyizo* LY'EBYOBUGAGGA

Ekitabo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دامت برکاتہمُ العالیة. Olukiiko oluvunaa nyizibwa ku mulimu gwokuvvuunula nalwo lusazeewo okukiv vuunula mu lulimi oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuv vunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera.

## Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)

Alami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

**UAN:** ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 7213

**Email:** 📩 [translation@dawateislami.net](mailto:translation@dawateislami.net)

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ النُّبُوٰتِ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ ۝ يٰسِمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ

## E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye: إِنْ شَاءَ اللّٰهُ عَزَّ وَجَلَّ:

اللّٰهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ  
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

### Okuvvuunula

Ayi Allah عَزَّ وَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l>wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkulumma.

(Al-Musta'traf, vol. 1, pp. 40)

**Note:** Saalira Nabi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

# Table of Contents

E Duwa Y'okusoma Ekitabo .....	iii
<b>Ekkunganyizo ly'ebyobugagga ..... 1</b>	
Ebyetaago 100 bija kumalibwa.....	1
Embalaasi zaddusibwa nga zidda mu muga.....	2
Abantu abanene bazze! .....	3
Ebibumbe bya zaabu eby'embalaasi n'engamiya.....	4
Okukowoola kw'ekkunganyizo ly'ebyobugagga.....	5
Tewali mugaso mu kukaabira amata agayiise.....	8
Obugagga kutegeka kwa Allah ﷺ okwekwese.....	9
Era kulindikiriza kwa Allah ﷺ .....	10
Okutwaala ebibi ng'ebirungi kiri Kufr .....	11
Okubalirira eby'obugagga.....	12
Okubuuuzibwa ku byengera.....	13
Okubuuuzibwa ku byengera ku lubalama lw'omuliro .....	13
Embeera etiisa ey'abagagga ku lunaku lw'enkomerero .....	15
Okubalirira eri obugagga obufuniddwa mu makubo agakkirizibwa.....	18
Okwonoona obugagga n'obutagasibwa mu Akhirat.....	19
Okujjukira abalongoofu abatusooka mu Madanī In'āmāt.....	21
Obutamiivu bw'obugagga.....	22

Endowooza ya Madanī eya Sayyiduna ‘Umar Bin ‘Abdul ‘Azīz .....	23
Okuwona ekizibu ekinene .....	24
Engeri y’okuwona ebizibu .....	25
Ekibatu okuwaanyisaamu ekibatu.....	25
Ani muddu wa Ssitaani? .....	26
Aswazibwa! .....	27
Okuzikirira okuleetebwa obwagazi eri obugagga.....	28
Obubi bw’obugagga.....	28
Obubi eri eddiini.....	29
Obubi bw’oku ensi.....	29
Omuddu w’obugagga azikiridde! .....	29
Ekkubo ery’okuwangula.....	31
Edduuka lya vidiyo kaseti lyaggalwawo .....	31
Obukwakkulizo bw’okukungaanya eby’obugagga .....	32
Omutambuze w’oku nsi.....	38
Temuwulira buswaavu? .....	38
Impermanence of the world .....	38
Ebimuli bya Madanī 17 ebikwaata ku mpeta .....	40

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ ۝ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ ۝

## Ekkunganyizo ly'eb-yo-bugagga \*

Ne wankubadde Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma akatabo kano konna mu bujuvu. Ojjakukubirizibwa okufumitiriza ku bulamu bwo obwa Akhirat, era olekere awo okwegomba ensi,  
*إِنَّ شَيْطَانَ اللّٰهِ عَزَّوَجَلَّ*.



### Ebyetaago 100 bijja kumalibwa

Nabbi Omunene Ennyo era Omutukuvu صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Oyo yenna ansomera Ṣalāt emirundi 100 mu kiro n’emisana ku lunaku lwa Jummah, Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kumalila ebyetaago bye 100, 70 nga bya Akhirat ate nga 30 bya ku nsi kuno; ate Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kulagira malayika emu ejja okundetera

---

\* Amīr-e-Āhl-e-Sunnat نَاصِيَتْ بَنْزَائِهِ الْعَالَمِيَّة yayogera okubulirira kuno mu Ijtimah eyagazisa Sunnah eyategekebwa ku Shab-e-Barā’at mu 1431 AH, 27-07-2010 mu Faizān-e-Madinah, Madani Markaz ey’ensi yonna eya Dawat-e-Islami. Kuteereddwa mu buwandiike n’enkyuusakyusa wano ne wali.

Şalāt eyo ku ntaana yange ng'ebirabo bwebibaweebwa. Tewali kubusabusa, okumanya kwnage (amagezi) oluvannyuma lw'okufa kwange bijja kusigala nga byebimu nga bwebiri mu bulamu bwange.'

(*Jam'-ul-Jawāmi' lis-Suyūtī*, vol. 7, pp. 199, Ḥadīš 22355)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Embalaasi zaddusibwa nga zidda mu muga

Mu mulembe gwa Amīr-ul-Mu'minīn Sayyidunā 'Umar Fārūq-e-A'zam رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ, amaje g'obusiraamu gaali gawangudde oluwangula olunene mu 'Lutalo lwa Qādisiyah'. Sayyidunā Sa'd Bin Abī Waqqās رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yaeyali omuduumizi ow'entikko ow'amaje g'obusiraamu. Mu lutalo owlo, abantu mitwaalo esatu abasiinza omuliro battibwa ate abasiraamu kanaana baafuuka abajulizi. Oluvannyuma lw'okuwangula okunene okwo okwa Qādisiyah, Sayyidunā Sa'd Bin Abī Waqqās رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagoba abasiinza omuliro okutuusa bwebatuuka mu Bābil, nebwamba ebitundu ebyaali birinanyewo. 'Madāin' ekibuga ekikulu ekya Iran, kyaali kiri kuluuyi olwa ddiyo olw'omugga gwa Tigris.

Ku biragiro bya Sayyidunā 'Umar Fārūq-e-A'zam رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ, Sayyidunā Sa'd Bin Abī Waqqās رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yayolekera nalumba Madāin. Abasiinza omuliro baamenya olutindo lw'omugga era nebatwaala amaato gonna ku ludda lw'omugga olulala. Mu

kiseera ekkyo, waaliwo emuyaga eyali ekkunta ey'amanyi amangi ennyo mu mugga era kyalikirabikira wo nti tekisoboka kusala mugga ogwo. Ng'alabye embeera, Sayyiduna Sa'd Bin Abi Waqqas رضي الله تعالى عنه yaddusa embalaasi ye ng'ajizza mu mugga, ng'abweyesiga Allah ! Nga bamugoberera, abasiraamu abalala ba Mujāhidin (abalwaanyi) baakola kyekimu.

## Abantu abanene bazze!

Abalabe bwebalaba nti ba Mujāhidīn abasiraamu baali bavuga empalaasi zabwe nga tebatidde era nga bwe bayolekera omugga gwa Tigris, badduka nga baddayo emabega kokokkola tondeka nnyuma era nga bwebalekaana 'abantu abanene bazze'. 'Yazdgard' mutabani wa kabaka wa Yiraani yali amaze okusindika abanganda be abakyaala n'ekitundu ekimu ku by'obugagga bye babitwale mu 'Hulwān'. Ye kennyni yadduka, nga bwatunula olutunula olw'ennaku eri ekibuga ekyali kilekeddwa ekya 'Madāin'.

Sayyidunā Sa'd Bin Abī Waqqāṣ رضي الله تعالى عنه bweyayingira ekibuga, wonna waali wasirufu ddala. Ebifo eby'ebbeyi naye nga birekeddwa ebya Kisrā, ebizimbe ebirala ebiwanvu n'amalimiro agegombesa byonna byaali biraga okuggwaawo k'wobulamu bw'oku nsi. Ng'alaba bino, Sayyidunā Sa'd Bin Abī Waqqāṣ رضي الله تعالى عنه yasomerawo ayah zino erizi mu Sūrah Ad-Dukhān, ekitundu 25:

كَمْ تَرَكُوا مِنْ جَنَّتٍ وَّ حَيْوٌنَ<sup>٢١</sup> ۝ وَ زُرْوِعٍ وَّ مَقَامِ كَرِيمٍ<sup>٢٢</sup> ۝ وَ نَعْمَةٍ  
كَانُوا فِيهَا فَكِهِينَ<sup>٢٣</sup> ۝ كَذِلِكَ<sup>٢٤</sup> وَ أَوْرَثْنَهَا قَوْمًا أَخْرِيْنَ<sup>٢٥</sup> ۝ فَنَا بَكَثَ  
عَلَيْهِمُ السَّيَّءَ وَ الْأَرْضُ وَ مَا كَانُوا مُنْظَرِيْنَ<sup>٢٦</sup> ۝

*Malimiro amake era nzizi mmeka zebaaleka emabega! Na'amataka n'amayumba amalungi! N'ebyenegera mu bbo nga baali tebabilowooza ko! Ekyo kyetwakola; era netufuula ekika ekirala okubasikira. Nabwekityo, eggulu n'ensi tebyabakaabira era tebaweebwa kakisa.*

[*Kanz-ul-Imān (Translation of Quran)*] (Part 25, *Surah Ad-Dukhān*, verses 25-29)

## Ebibumbe bya zaabu eby'embalaasi n'engamiya

Oluvannyuma lw'okuwamba, abasiraamu basaanga dinaari bukadde buna (i.e ennusu eza zaabu/golodi) ng'omunyago okuva mu Madāin. Ng'olese ekyo, waaliwo ebintu bingi eby'eeeyi era eby'omuwendo nga mubbyo mwe mwaali engule ya zaabu eya 'Noshayrwān', kabaka eyali amnyiddwa enyo owa Yiraami eyali asiinza omuliro, ebyambe eby bakabaka ba Yiraani abasooka ebyali buwundiddwa ne dayamandi, ekibumbe ky'embalaasi ekyaali kikoleddwa mu zaabu nga mu maaso ewundiddwa ne 'rubies', omuvuzi owa zaabu n'engule eya zaabu ku mutwe, engamiya eya zaabu n'omuvuzi owa zaabu ne kapeti eya fuuti 60 eya zaabu

ng'ewundiddwa amayinja ag'ebbeyi era ag'omutindo ogwa waggulu ennyo etc. Basiraamu bakunganya omunyago n'obwe simbu obutaalina bubuvuganya mu byafaayo byonna. Buli Mujāhid omu bweyasanga nga empiro oba dayamandi atagulika, yakateeka mu kkunganyizo ly'ebyobugagga nga talinze ko yadde katono. (*Al-Bidāyah Wan-Nihāyah*, vol. 5, pp. 135-170)

## Okukwoola kw'ekkunganyizo ly'ebyobugagga

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye engeri abatusooka abalongoofu ﷺ bwebalafuubana okutaasa obusiraamu! Ekyafaayo ekya waggulu kiraga ekyamagero ekyaaali ekitasu ubirwa ekya Sayyidunā Sa'd Bin Abī Waqqāṣ رضي الله تعالى عنه eyavuga embalaasiye nagiyisa mu mayengo agakunta ag'ama anyi ag'omugga gwa Tigris. Era tuyize nti ekkunganyizo ly'ebyo bugagga, kalibeere linene litya, limaliriza teririna mugaso. Kambabulire ekyafaayo kimu ekiwabula ennyo ekikwaata ku muyisirayiri omu eyali omugagga nga mubuya buya. Omutima gwo bweguba nga mulamu, olwo nno ojjakutwaala amakunganyizo g'ebyobugagga nga agatalina mugaso munene, انشاء الله عزوجل.

Obumpimpi oby'ekyafaayo ekya bwe buno, obunokoddwa okuva ku lupapula olwa 74 olwa voliyumu esooka ey'ekitabo eky'empapula 412- ekiytibwa 'Uyūn-ul-Hikāyat, ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Sayyidunā Yazīd Bin Maysarāh رحمه الله تعالى عليه

yagamba: Mu Ummah̄ ezasooka, waaliyo omusajja omugagga nga mukodo nnyo eyali tawaayo kintu kyonna mu kkubo lya Allah ﷺ wabula yali yejongera kukungaanya nakweyongeza mmaali ye (eby'obugagga). Emisana n'ebiro eby'omusajja oyo omubuyabuya era ow'omululu byaali biyita mu kwejalabya, amasanyu amangi n'obubuyabuya obuyitiride wamu n'abakika kye. Lumu, omuntu yakonkona ku lujji lwe. Omu ku baddu be yaggulawo olujji nalaba omusabirizi eyali ayimiridde ebweeru. Omuddu yamubuuza ensoonga eyali emuleese. Omusabirizi yaddamu, ‘Genda ondetere mukamawo, nnina okwogera naye.’ Omuddu yamulimba ng’agamba, ‘Yafulumye nagenda okuyamba omusabirizi omu nga ggwe.’

Omusabirizi yagenda. Oluvannyuma lw’akaseera katono, waaliwo okukonkona okulala ku lujji. Omuddu yaggulawo oliji nasanga omusabirizi y’omu nga neera yaali ku lujji. Ku mulundi guno omusabirizi yagamba, ‘Genda ogambe mukamawo nti nze malayika y’okufa.’ Ng’atamidde eby’obugagga n’obubu yabuya obwobuta jjukira katonda, omusajja oyo omugagga bweyategeeezbwa kw’ekyo, yatandika okukankana mu kutya okungi nagamba abaddu be, ‘Mugende mu tuyise bulungi nnyo era n’ekisa ekingi n’obuwombeefu.’ Abaddu baafuluma nebamusaba, ‘Tukusaba oleke mukama waffe wakiri otwaale omwooyo gw’omulala.’ Malayika yagamba, ‘Tekisobokera ddala.’

Nemala negamba omusajja omugagga, ‘Kola ekiraamo kyo bwoba ng’oyagala, siddayo nga situtte mwoyo gwo.’ Ng’awu

liriza bino, omusajja omugagga oyo wamu n'ekika kye baakaaba nebakuba ebiwoobe. Omugagga oyo yasaba ab'ekika be n'abaddu baleete sanduuku z'azaabu ne feeza era bazig gulewo. Bonna baakola nga bwewali alagidde mangu ddala era waaliwo ekunganyizo ly'ebyobugagga eddene ennyo lyeyali akunganyiza mu bulamu bwe bwonna. Ng'atunuulira eby'o bugagga bye, yagamba, 'Mmwe eby'obugagga ebinyimeefu era ebitamwa! Elikolimo kibeere ku mmwe! Nziki ridge ku lw'oku bagala. Kitalo! Nasigala ndi mu bubuyabuya nga nerabidde okusiinza katonda era n'okujukira obulamu bw'oluvannyuma ku lwa mmwe.'

Mangu ddala, eddoboozi lyawulikika nga lifubutula okuva mu kunganyizo elyo ely'ebyobugagga, 'Owange ggwe omwagazi w'ebyobugagga, omunoonyi w'ensi era omuntu omubuyabuya! Ku lwaaki onkolidira? Wali tonyomebwa mu maaso g'abantu abagazi b'ebayoku nsi! Nze eyakufuula ow'ekitiibwa, nenkuoso bozesu okutuuka mu maaso g'abakuungu. Wawasa omukyaala omugagga ku lw'obulungi bwange. Ggwe kenyini eya nnyo noona ng'onkozesu ebintu ebibi. Singa wali ommalide mu kkubo Allah ﷺ, tewandisanze kuswaala kuno okw'ensusso. Mbuulira! Nnali nkuziyoizza okunkozesa mu bintu ebirungi? Nedda tekibangawo! Ggwe wekka avunanyizibwa ku kuzikirira kwotuseeko.' (Oluvannyuma, malayika y'okufa yajjamu omwooyo gw'oyo omuntu omugagga omukodo.)

(*'Uyūn-ul-Hikāyat – Arabic, pp. 49*)

Ekkunganyizo ly'eb-yo bugagga

*Dawlat-e-dunyā kay pīchay tū na jā*

*Ākhirat mayn māl kā ḥay kām kyā?*

*Māl-e-dunyā dau jaḥān mayn ḥay wabāl*

*Kām āye gā na paysh-e-Żul-Jalāl*

**Okuvvuunula: Toddukira byabugagga by'aku nsi kuno. Tebirina mugaso mu Akhirat. Era tebijja kugasa mu maaso ga Allah** ﷺ.

(*Wasā'il-e-Bakhshish*, pp. 375)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Tewali mugaso mu kukaabira amata agayiise

Abagalwa abasiraamu! Omaze okuwuliriza ekyafaayo ky'omuntu eyali abulankanyiziddwa emmaali. Yasigala obulamu bwe bwonna abumalidde mu masanyu nakutuukiriza kwagala kwa mwooyo gwe. Mu kifo ky'okuganyulwa mw'ebyo ebyaali bimuwereddwa katonda, yali yeyongera kufuuka mubuyabuya nnyo. Ng'atamidde obwagazi bw'emmaali, yali yewala nnyo okuyamba abaavu era nga yetaba mu masanyu. Mu mbeera eno, malayika y'okufa yajja, nemuzza mu magezi ge ag'obuntu. Newankubadde ettamiiro ly'emmaali lyaali ligudde wansi, tewali kyaali kiyinza kukolebwa mu kaseera ako. Ekyafaayo kino kirina essome eddene ennyi ely;okuyiga eri abo abalina omululu gw'ebyobugagga era nga basuula muguluka ku bulamu bwabwe obw'oku nsi ne Akhirat.

*Għup andħayrī qabr mayn jab jāye gā*

*Bay-amal! Bay-intiħā għabrabāye gā*

*Kām māl-o-zar waħān na āye gā*

*Għafil insān yād rakħ pachtāye gā*

*Jab tayray sāthī tujhay chōr āyain gey*

*Qabr mayn kīřay tujhay khā jāyain gey*

**Okuvvunuula:** Owange ggwe muntu atakolera ku kumanya era omubuyabuya! Bwoyingira entaana ey'ekizikiza, ojja kubbeera mu katyabago kanene nnyo. Jjukira! Ojakwejjusa ate tojja kuganyulwamu yadde nakamu mu b'yobbuggagga byo. Mikwaano gyo bwiegikuleka wekka, ebiwuka bijjakulya enyamaa yo mu ntaana. (*Wasā'il-e-Bakhshish*, pp. 376)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Obugagga kutegeka kwa Allah ﷺ okwekweese

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Kya mazima nti Allah ﷺ oluusi agezesha omuntu ng;amuwadde ensiimbi nyingi. Kiwandi kiddwa ku lupapula 682 olw'ekitabo ky'empapula 1548 ekiyitibwa 'Faizān-e-Sunnat' voliyumu 1 ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumnya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Obulamu obulungi n'ebiyobugagga ebingi bitera okuteeka omuntu okukola ebibi (n'obwangu). Nolw'ekyo, abo abalina obulamu obulungi n;ebiyobugagga oba abalina

obuyinza balina okutegeka kwa Allah ﷺ okwekweese. Sayyidunā Hasan Baṣrī حَسْنَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يagamba, ‘Omuntu bwaba ng’alina ebyobugagga ebimala, abaana abawuliriza, emmaali, obulamu obulungi, ekitiibwa, ebintu eby’obugagga n’ekifo ky’ebyobufuzi, naye tatya kugera kwa Allah ﷺ okwekwwese, omutnu bwatyo ali mubuyabuya ku nikwaata ku kugera kwa Allah ﷺ.’ (*Tanbīh-ul-Mugharrīn*, pp. 54)

## Era kulindikiriza kwa Allah ﷺ

Mukimanye! Mwe abalina amaanyi! Mukimanye! Mwe aba manyikiddwa ennyo! Mukimanye! Mwe abagagga! Muki manye! Mwe abali mu bifo eby’obuienza n’ebyobufuzi! Muki manye! Mwe abalina yafeesi eza waggulu ennyo! Buli omu alina okutya okugera kwa Allah ﷺ okwekweese oba si kkyo ebyengera ebituwereddwa eby’emmaali, emiri egypt’amaanyi n’ebifo ebikuungu eby’ebyobufuzi mu gavumenti nebirala biyinza okuleeta bulyazamaanyi, okwekuluntaza, obutawuliriza balala n’ebibi ebirala, olwo nno nebiteeka omubiri ogwo ogunyirira era ogutuukiridde n’ebyobugagga ebingi okubeera nti byoke bwa mu muliro gwa Jahannamu. Ku kino, wuliriza ayaa emu okuva mu Quran Entukuvu wamu ne Ḥadīš emu era otye okugera kwa Allah ﷺ okwekweese.

Sayyidunā ‘Uqbah Bin ‘Āmir حَقِيقَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهُ يagamba nti Nabbi wa Rahmāh, omuwolereza wa Ummah ﷺ yagamba: Bwolaba nti Allah ﷺ awa ebyengera eri omuntu akola ebibi ku nsi kuno gyayagala, okwo nno kulindikiriza (kwa

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ). Nabbi Omwagala era Ow'emikisa  
yamala n'asoma aya eno:

فَلَئِنَّا نَسْوَا مَا ذُكِرَ وَاٰبَه فَتَحَنَّا عَلَيْهِمْ آبُوا بَأْ كُلِّ شَيْءٍ حَتَّىٰ لَا  
فَرِحُوا بِمَا أُوتُواٰ أَخْدُنُهُمْ بَعْثَةً فَإِذَا هُمْ مُّبْلِسُونَ ﴿٤٤﴾

Olwo nno bwebeerabira okujukiza okwabagambirwa, twabaggulira wo enziji z'ebintu byonna okutuusa bwebasanyukira ebyo byeabaali bawereddwa, oluvannyuma twabakwaatako mangu ddala, kati balekebwa tebalina ssuubi.

[*Kanz-ul-Imān (Translation of Quran)*] (Part 7, *Sūrah Al-An'ām*, verse 44)  
(*Musnad Imām Aḥmad*, vol. 6, pp. 122, *Hadīš* 17313)

## Okutwaala ebibi ng'ebirungi kiri Kufr

Ng'anyonyola ku aya aye waggulu, Ḥakeemul Ummah Muftī Aḥmad Yār Khān رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba mu Tafusiiri ye 'Nūr-ul-'Irfañ': Tuyize nti okufuna eby'okwewunda by'oku nsi, newan kubadde ng'okazana okukola ebibi, kiycinza okubeera nga busungu ate nga kibonerezo okuva ewa Allah عَزَّوَجَلَ kubanga omuntu afuuka mubuyabuya era nalekerawo okutya ebibi olw'ebyo eby'okwewunda byalina. Oluusi, abeera n'okul owooza nti 'Ebibi birungi – bwekitaba ekkyo, nandibadde sikyafuna byengera bingi bwebiti.' Jjukira nti endowooza bweeti eri is Kufr. (Kitegeeza nti okutwaala ekibi ng'ekibi kiri

Fard ate okugenderera okutwaala n'okuyita ekibi ng'ekirungi kiri Kufr. Okusobola okuyiga ebingi ebikwaata ku bigambo ebijjavo obukkiriza, tukusaba osome ekitabo eky'empapula 692-*Kufriyah Kalimat kay bāray mayn Suwāl Jawāb* [i.e.,*Ebibuuzo n'enyanukulwa ebikwaata ku bigamba ejjaho obukkiriza*] ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami.)

Muftī Ow'ekitiibwa ﷺ yayongera nagamba, ‘Okujaganya ku kyengera kyonna, okulaga okwekuluntaza n'okwewaana kitamirwa ddala kubanga kikolwa kyabo abatakkiriza. Naye bwekiba nga kogendereddwa kulaga kusiima, olwo nno kirungi era kitendo kya muntu mulongoofu.’

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okubalirira eby'obugagga

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Buli kyengera ky'oku nsi kijja n'akakwakkulizo. Oyo anyumirwa ebyengera bino n'ebyo kwewunda ajjakubuuzibwa ku bbyo ku lunaku lw'enkomerero. Jakoma okubeera n'ebiyengera wamu n'ebiyokwewunda ebingi ku nsi, era n'ebizibu gyebikoma okweyongera gyaali byajja okusisinkana mu Akhirat. Oyo omuntu omugagga nga mubu yabuya ajjakubuuzibwa ku by'obugagga bye n'ebintu bye byonna eby'obwanannyini, era ajjakubonerezebwa Allah ﷺ ku lunaku lw'enkomerero olw'okukozesa obubi obugagga

bwe era ajjakulaba nti newankubadde yali mugagga ku nsi afuuse mwaavu nnyo mu Akhirat.

Nabbi Amanyiddwa ennyo era Ow'ekitiibwa ﷺ yagamba, ‘Abo abalina eby’obugagga ebingi ennyo bajja kubeera n’empeera ntono ku lunaku lw’enkomerero okujjako oyo Allah عَزَّوَجَلَ gwaawa obugagga n’abugaba (nga Sadaaqah) ku ddiyo ye, ku kkuno, mu maaso n’emabega, era n’abukozesa ebintu ebirungi.’ (*Sahīħ Bukhārī*, vol. 4, pp. 231, Ḥadīš 6443)

## Okubuzibwa ku byengera

Allah عَزَّوَجَلَ agamba mu aya esembayo mu Sūrah At-Takāshur, ekituundu 30:

ثُمَّ لَتُسْأَلُنَّ يَوْمَئِذٍ حَنِ النَّعِيمِ ﴿٨﴾

*Olwo nno, ku lunaku olwo, mujja kubuzibwa ku byengera.*

[*Kanz-ul-Īmān* (Translation of Quran)] (Part 30, Sūrah At-Takāshur, verse 8)

## Okubuzibwa ku byengera ku lubalama lw’omuliro

Mu tafusiiri ya *Nūr-ul-‘Irfān*, omunnyinyozi wa Quran amanyi ddwa ennyo, Muftī Ahmad Yār Khān عليه رحمۃ الرّحمن yayogera ku aya eyo waggulu mu bulambulukuzfu. Kanyonyole ebimu ku biyigibwa mu, ye رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ alaze nti: Allah عَزَّوَجَلَ yekennyini oba bamalayika be bajjakkubuuza ku byengera ku nsenyi

z'okuzuukira n'ekumbalama z'omuliro. Ojjakubuuuzibwa ku buli kyengera kyonna ekyaali kikuwereddwa obwakatonda, kakibeere kyamubiri ekikwatibwaako oba eky'ebiomwwoyo, ate ne ku ngeri gyewakifuna mu okumaliriza ekyetaago oba okunyumirwa oba okwesuuta; ebibuuzo bijja kubuuzibwa ne ku mazzi aganyogoga, ekisiikirize ky'omuti n'otulo otw'emi rembe.

Mufti ﷺ ayongera nagamba: Oluvannyuma lw'okufa, okubalibwa kujja kubeerawo emirundi esatu mu bifo bisatu eby'enjawulo:

1. Ekigezo ky'obukkiriza mu ntaana.
2. Ekigezo ky'obukkiriza n'emirimu ku lunaku lw'enkomerero.
3. Okubalirira okusiima ebyengera ku lubalama lw'omuliro.

Ekintu kyonna ekiwebwa omuntu nga takisaana kibeera kyengera. Buli kintu Allah عَزَّوَجَلَّ kyawa omuntu kibeera kyengera kakibeere kikwatibwako oba eky'ebiomwooyo. Waliyo ebyengera byamiteeko ebiri. Ogumu baguyita 'Kasbi' ate omulala baguyita 'Wahbi.' Ebyengera ebya 'Kasbi' bifunibwa oluvannyuma lw'okukola n'okutekamu amaanyi, e.g, eby;obugagga, obufuzi, etc., naye ebyengera ebya Wahbi Allah عَزَّوَجَلَّ abiwa buwi; okugeza ebitundu by'omubiri, omweezi n'enjuba, etc. Ebibuuzo bisatu bijja kubuuzibwa ebikwaata ku byengera ebya Kasbi. (1) Byafunibwa bitya? (2) Byakozesebwaa bitya? (3) Kwebaza kutya okwalagibwa nga bifuniddwa? Ebibuuzo ebrisembayo ebibiri

bijja kubuu zibwa nga bikwaata ku byengera ebya Wahbī (i.e. ebyengera ebifuniddwa awatali ku kazana oba kuteka mu maanyi). (i.e., Byakozese bwa bitya? Kwebaza kutya okwala gibwa nga bifuniddwa?

Mu *Tafsīr Khāzin*, *Tafsīr ‘Azīzī* ne *Tafsīr Rūh-ul-Bayān*, etc., kigambibwa nti ekigambo ﴿الْتَّعِيم﴾ ekiri mu ayaa eyo waggulu kitegeeza Rasūl Omwagalwa era Ow’emikisa ﷺ. Kweggamba, tujja kubuu zibwa oba twamugo berera. Rasūl Omwagalwa era Ow’emikisa ﷺ mmazima y’ensulo y’ebengera byonna. Ebyengera byonna kusaasira kwa bwakatonda eri oyo omutima gwe ogutangaala era okuyaka yakana n’obwagazi bwa Rasūl Omwagalwa era Ow’emikisa ﷺ, ate kya mukisa mubi nti omutima ogutalina bwagazi bwa Nabbi ﷺ, ebyengera byonna eri omuntu ng’oyo bibeera bizibu na mitawaana. Obugagga bwa Sayyidunā ‘Ushmān رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهُ bwaali bwa mukisa naye obwa Abū Jāhl bwali bwa bizibu na mitawaana..

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَّوْا عَلَى الْحَبِيبِ

## Embeera etiisa ey’abagagga ku lunaku lw’enkomerero

Okukunganya eby’obugagga ebyamazima ebikkirizibwa si kibi, ate okulangirira omugagga nti mwonoonyi, ku lw’obugagga bwe bwokka tekikkirizibwa. Omuntu bwaba ng’afuuse mugagga ng’abufunye mu ngeri ekkirizibwa 100% era nabukozesa mu

kugondera Allah ﷺ Rasūl we Omwagalwa ﷺ، aija kugwaanira empeera kuno ku nsi ne mu Akhirat, newan kubadde nga mukozi wa bibi. Nolw'ekyo, bwehiba nga okufuna obugagga kya tteeka olwo nno omuntu alina okufuna mu ngeri ezikkirizibwa. Naye, ekisinga kwe kufuna obugagga obwetagisa (obusaana) kubanga ojjakubalibwa ku nfuno yo ekkirizibwa, ate tewali ayinza kugumira kubalibwa kwa lunaku lwa nkomerero.

Mu muvuumbo ogw'okusatu ogwa *Ihyā-ul-'Ulūm*, *Hujjat-ul-Islam* Sayyidunā Imām Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazālī رحمه الله تعالى عليه yagamba: Ku lunaku lw'enkomerero, omuntu ajjakuleetebwa eyali afunye obugagga obwa Ḥarām [obutakkirizibwa] era nabukozesa mu bitakki rizibwa. Kijjakulagirwa, ‘Mu mutwaale mu muliro.’ Olwo omuntu omulala ajjakuyitibwa eyali afunye obugagga obwa Ḥalaal [obukkirizibwa] naye nga yabukozesa mu bitakkirizibwa. Kijjakulagirwa, ‘Naye mu mutwaale mu muliro.’ Oluvannyuma omuntu omulala ajjakuleetebwa eyali afunye obugagga obutak kirizibwa ate nabukozesa mu bikkirizibwa. Kijjaku lagirwa, ‘Mu mutwaale mu muliro.’

Oluvannyuma omuntu w'okuna ajjakuleetebwa eyali afunye obugagga obukkirizibwa era nabukozesa mu bikkirizibwa. Kijjakulagirwa, ‘Sigala awo, oyinza okuba nga tewatuukiriza Fard̄ emu olw'okufuna obugagga, oyinza okuba nga eṢalāḥ tewagisaalira mu budde, ate oyinza okuba nga tewatuukiriza

bulungi Rukū', Sujūd ne Wuḍū! Ajjakugamba, 'Ya Allah ﷺ, nnafuna obugagga obukkirizibwa era n'embukozesa mu bikirizibwa ate salekayo kintu kyonna ekyetteeka nga sikikoze.' Kijjakugambibwa, 'Oyinza okuba nga wali wekuluntaza ku by'obugagga byo; oyinza okuba nga wali wekuluntaza ku kidduka kyo oba engoyezo!' Ajjakuddamu, ' gained wealth lawfully and spent it lawfully and I did not miss Ya Allah ﷺ, sekuluntazza era nnali seraga.' Kijjakugambibwa, 'Oyinza okuba nga wali olyazamanyizza omuntu ng'ate nnali nkulari kidde okumuyamba, i.e., okugeza ab'enganda, abalekwa, abaavu n'abatambuze.' Ajjakugamba, 'Ya Allah ﷺ, sinnaba kukoloa kintu bwekityo. Nnafuna obugagga obukkirizibwa era n'embu kozesa mu bikirizibwa ate salekayo kintu kyonna ekyetteeka nga sikikoze. Salaga Kwekuluntaza era salayazamaanya muntu yenna gwewali ondalikidde okuyamba.'

Oluvannyuma abanatu abo bona bajja kujja bamuyombese nga bagamba, 'Ya Allah ﷺ, wamuwa ekyengera ky'obugagga era nomulagira atuweko ku byobugagga bye era atuyambe.' Ate bwaba nga yali yabayamba nga taleseeyo kintu kyonna kyamulaarikika ko nga takikoze, era nga yali teyelaga wadde okwekuluntaza, ajjakuziyizibwa era abuuzibwe, 'Buli kyengera kyennali nkuwadde – kakibeere mmere, mazzi oba masanyu – laga okweebaza kwakyo.' Mu ngeri y'emu, ajjakubuuzibwa ekibuuzo kimu ku kimu. (*Iḥyā-ul-'Ulūm*, vol. 3, pp. 331)

## Okubalirira eri obugagga obufuniddwa mu makubo agakkirizibwa

Mu bumpimpi kanfunzefunze mu bigambo byange kiki Sayyiduna Imam Ghazali ﷺ kyeyagamba ku hadithi eyo waggulu. Abagalwa ab'oluganda abasiraamu; Mumbuulire! Ani ayinza okwanukula ebibuuzo bino? Mwetegeereze nti ebibuuzo bijjakubuuzibwa eri abo abaali bafunye obugagga bwabwe mu makubo agakkirizibwa. N'abo abaali batukirriza ebbanja n'ebyalalaarikibwako byonna nabo bajja kubalibwa, olwo ffe tunabeera tutya abazingidwaako olukomera lw'enja wukana z'oku nsi, okulowolerez, obwagazi ob'wobukaba, okwejalabya, ebisikiriza n'abanyirira! Nga batya okubuuzibwa kwekumu n'okubalibwa, abaddu ba Allah ﷺ abalongoofu, beziyiza okukyafuwazibwa obugagga bw'oku nsi. Bekkusa n'ebintu bitono eby'oku nsi ebisobola okumala ebyetaago byabwe era babikozesa okukola emirimu emirungi.

Ng'anyonyola engeri abaddu ba Allah ﷺ abalongoofu gyebe walamu okukungaanya obugagga, Sayyiduna Imām Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazālī رحمه الله تعالى عليه yagamba, ng'ayita abasiraamu eri obulongoofu: Mulina okugo berera abantu bano abalongoofu. Bwoba nga toyagala kubago berera ng'olwooza nti oli mulongoofu era nti wegenderezate ng'ofuna bufuni bugagga mu makubo agakkirizibwa n'ekiru birirwa eky'okwewala obwaavu oleme kusabiriza muntu yenna kintu kyonna ate osobole okuwaayo obugagga bwo mu kkubo lya Katonda nga tobwononye mu kukola ebibi n'ebintu

ebitagasa, olwo nno kuno kulowooza kukyaamu. Mu ngeri y'emu, bwoba ng'olowooza nti tojjakuwaba olw'obugagga bwo okuva ku kkubo elyagalibwa Allah ﷺ ate nti Allah ﷺ tali munyiivu gyooli olw'ekikolwa kyo ekirabwa oba ekyekweese, kino nakyo kirowoozo ekitasoboka.

Bwekiba kisoboka, olina okusigala ng'oli mumativu n'obu gagga bwokka bwewetaaga, era nga wewala abagagga. Obu lungi bwakyo buli nti tojjakuziyozibwa olw'okubalibwa n'oku buuzibwa ebibuuzo ku lunaku Iw"enkomerero era ojjakuba ng'ogoberera Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ mu kutambula kwe okwasooka, naye abagagga bajjakziy izibwa olw'okubalibwa, Oluvannyuma Iw'oku balibwa, omuntu ajja kufuna okuwona oba ajjakusisinkana ebizibu. Tuwulidde nti Nabbi omwagalwa era Aweebwa Ekitiibwa ekinene ﷺ yagamba, 'Ba Muḥājirīn [abaasenguka] abaavu bajja kuyingira ejannah emyaaka bitaano okusooka ba Muḥājirīn abagagga.' (*Sunan-ut-Tirmizi, Hadīš 2358*)

(Derived from: *Ihyā-ul-'Ulūm*, vol. 3, pp. 332)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ

## Okwonoona obugagga n'obutagasibwa mu Akhirat

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Abo abanyumirwa ebyengera by'oku nsi n'amasyu balina okwegendereza ennyo nga bakozesa obugagga bwabwe, kubanga okwonoona obugagga

kiyinza okuleeta ebizibu mu Akhirat. Mu ngeri y'emu, okwagala okungi okw'obugagga kiteeka omuntu okukola ebibi bingi, okwonoona n'okutta abalala. Avugibwa okuva ku kiwagi nadda ku kikondo. Ate omwagazi w'obugagga wabubuza, awulira ennaku nnyingi nnyo n'obusuungu obwa waggulu. Nolw'ekyo, abatusooka abalongoofu baasigala begendereza ku bikwaata ku bugagga.

Sayyidunā Abū Dardā رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yasindika ebbaluwa eri Sayyidunā Salmān Fārsī رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ ng'erimu okubuulirira kuno: Owange muganda wange! Tokunganya bintu bingi nnyo eby;oku nsi nga tosobola kubyebaliza mu butuuufu bwabyo. Nnawulira Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ ng'agamba, ‘Ku lunaku lw'enkomerero, omuntu omugagga eyali amaze obulamu bwe ng'agondera Allah عَزَّوَجَلَّ ajjakuleetebwa. Ng'asala olutindo lwa Ṣirāṭ, ajjakusaanga obugagga bwe nga bumuli mu maaso. Bwakankana, obugagga bwe bujja kumugamba, ‘Genda mu maaso kubanga watuukiriza ebbanja lya Allah عَزَّوَجَلَّ ku nze.’ Olwo omuntu omulala eyali tatikirizza bbanja lya Allah عَزَّوَجَلَّ ku nsi mu by'obugagga bye ajjakuleetebwa. Obugagga bwe bujjakuteekewa wakati w'ebibegabega bye byombiriri. Ajjaku kankanira ku lutiiindo lwa Ṣirāṭ era obugagga bwe bujja kumu gamba, ‘Ozikiridde! Ku lwaaki tewatuukiriza bbanja lya Allah عَزَّوَجَلَّ ku nze?’ Olwo nno bwaatyō ajjakusigala ng'ayita okuzikirira kwe n'okufafagana. (*Tārīkh Dimashq li Ibn 'Asākir*, vol. 47, pp. 153)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ḥadiš eyo waggulu erimu okubuulirira eri abo abali obulungi n;abantu abamanyiddwa ennyo abewala okusasula Zakāḥ newankubadde nga eri Fard. Bewala okukozesa obugagga bwabwe mu bintu by'eddiini, bewala okuyamba abantu abaavu era bayonoona obugagga bwabwe mu kukola ebikolwa ebibi. Ffena tulina okufumiitiriza kiki ekinatutuukako bwekiba ng'bugagga obutuleetera okuwan gula n'okumanyibwa ku nsi bufuuka ekitagasa mu Akhirat. Singa obwagazi bw'ensi obutategerekeka buva mu mitima gyaffe, okufuula Akhirat yaffe n'obulamu mu ntaana okubeera obulungi ko!

## Okujjukira abalongoofu abatusooka mu Madanī

### In'āmāt

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ḥadiš eyo waggulu eraga nti okuyita abalala eri obulongoofu ng'oityira mu mabaluwa yali Sunnah ey'emikisa eya ba Sahaba ﷺ aba Nabbi Omwagalwa! Ng'ovudde ku bitendo ebyenjawulo ebya Madanī, Dawat-e-Islami – ekibiina ky'ensi yonna ekitali kyabyabufuzi ekisasaanya Quran ne Sunnah – kizza obujja okwejjukanya ku ba Sahaba ab'emikisa aba Nabbi Omutukuvu ﷺ mu kusiindika amabaluwa agayita eri obulongoofu. Okukubiriza abalala okuyita eri obulongoofu, In'ām eya 57<sup>th</sup> mu Madanī In'āmāt 72 – ezituwereddwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami, egamba: 'Wasindise ebbaluwa eri

waakiri ow'oluganda omusiraamu omu mu wiiki eno? (Mu bbaluwa yo, mukubirize akolere ku Madanī In'āmāt era atambule ne Madanī Qāfilah).

Nawe osabibwa wegatte era osigale ngaweutte ku Dawat-e-Islami obulamu bwo bwonna, era okolere ku Madanī In'āmāt. لَّهُ شَهِيدٌ عَلَيْهِ وَالْمُرْسَلُونَ Ojjakufuna obugabirizi bw'abatusooka abalongoofu era okungule emikisa mingi nnyo mu bulamu bw'oku nsi kuno n'obwoluvannyuma. Omululu gw'ebyo bugagga gujja kuwany isibwamu obwagazi eri emirimu emirungi mu bungi.

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

## Obutamiivu bw'obugagga

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Abantu abasing leero balina omululu era balalu mu kukunganya eby'obugagga n'amaterekero. Newankubadde basanze bizibu binene bitya, bulubirira okuyita mu kkubo ery'amaggwa okusobola okukun ganya obugagga. Obunyikaavu bwaabwe bwebusikibwa budde eri obugagga bw'emirimu emirungi okulongoosa obulamu bwabwe obw'oluvannyuma, babussa wansi nga bekwaasa emirimu gyabwe. Beerabira obulamu bwabwe obujja obw'olu vvannyuma, bateeka kaweefube wabwe mu kutereeza obulamu obw'oku nsi obw'abenganda zabwe obw'omu maaso. Basiiba balowooza ku kusomesa eby'oku nsi n'okufumbiza abaana babwe. Katutunule ko ku ndowooza ya Madanī ey'abatusooka

abalongoofu ﷺ ekwaata ku kulongoosa obulamu bw'oku nsi obw'omumaaso obw'abaana babwe.

### Endowooza ya Madanī eya Sayyiduna 'Umar Bin 'Abdul 'Azīz

Kiwandikiddwa ku lupapula 83 olw'ekitabo ky'empapula -415 ekiyitibwa *Ziyā-e-Sadaqāt* (ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami): Mu biseera bye ebyaseembayo mu bulamu bwa Sayyidunā 'Umar Bin 'Abdul 'Azīz ﷺ, Sayyidunā Maslamah Bin 'Abdul Malik عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَالِكِ yajja gyaali nagamba, 'Owange Amīr-ul-Mu'minīn! Ogenda kuva mu nsi eno ng'owangadde obulamu obw'enjawulo. Olina baana 13 naye tolesewo byabu gagga wadde emaali gyebanasikira!' Ng'awuliriza bino, Sayyidunā 'Umar Bin 'Abdul 'Azīz ﷺ yaddamu: Zilyara manyizza baana bange; era sibawadde kintu kyonna nga ndyazamanyizza abantu abalala. Kati abaana bange balina obukwakkulizo bubiri, 'Bwebagondera Allah عَزَّوَجَلَّ, Allah عَزَّوَجَلَّ ajjagabirira kubanga Allah عَزَّوَجَلَّ agabirira abantu abalongoofu. Bwebanyiiza Allah عَزَّوَجَلَّ, olwo sifaayo ku ngeri gyabanamala obulamu bwabwe mu by'ensiimbi.' (*Ihyā-ul-'Ulūm* vol. 3, pp. 288)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire era atusonyiwe kulwabwe nga tetubaliddwa!

أَمِينٌ بِحَاجَةِ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mujjukire! Omuntu bwaaba ng'alina obugagga bw'oku nsi, kyatteeka gyaali okubuleka mu kumaliriza ebyetaago by'abaana be mukifo ky'okubukozesa mu Ṣadaqâh (okugaba).

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okuwona ekizibu ekinene

Abaagalwa b'oluganda abasiraamu! Omulugube omungi ogw'okungaanya obugagga tegugwaana kusiimibwa. Engeri ey'okuwona eri omuntu awereddwa obugagga obungi okuva ewa Allah ﷺ, eri nti alina okwongera obugagga bwemirimu gye emirungi ng'akozesa obugagga bwe obw'ensiimbi mu kukola emirimu emirungi, okugondera Allah ﷺ ne Nabbi we ﷺ.

Kiwandikiddwa ku lupapula 258 olwa 'Lubāb-ul-Iḥyā' (ekitabo eky'empapula 417-ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami): Sayyidunā Nabī Īsā ﷺ yagamba, 'Tofuula nsi eno mukaamawo oba si kyo ejja kukufuula omuddu waayo. Obugagga bwo kabutaasibwe Oyo atabwonoona. Oyo alina eby'obugagga by'oku nsi atya okubimujako olw'obubbi oba okunyagibwa naye oyo alina obugagga bwe nga bukuumibwa Allah ﷺ (ng'abukozesa mu kugaba) talina kutya kwa kubumujjibwaako.' (*Lubāb-ul-Iḥyā – Arabic, pp. 231*)

## Engeri y'okuwona ebizibu

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye nti okugaba okuwebwayo mu kkubo lya Katonda 'diiru egasa ennyo' era ngeri yakufuna bukumi eri obugagga bwo n'okuwona era n'okwesaamba ebizibu mu mazima. Nolw'ekyo, buli omu alina okufuna omukisa ogw'okuwaayo nga bwasobola ng'akid diringanya. Kino kija kubeera ng'engabo okutangira ebizibu n'emitaawaana.

A'lā Ḥaḍrat, Imām-e-Āḥl-e-Sunnat يَحْمِلُ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yawandiika ekyafaayo mu kitabo 'Rāḥ-e-Khudā mayn Kharch kernay kay Fazā'il' ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: **الصَّدَقَةُ تَمْنَعُ سَبَعِينَ تَوْعَاءً**, i.e., Şadaqâh eziyiza (etangira) ebizibu makumi nsaanvu, ekizibu ekisembayo obutono kwe kuvuunda kw'omubiri (i.e., ebigeenge) n'omubiri okubutukamu ebyeero. (*Tārīkh Baghdad*, vol. 8, pp. 204)

## **Ekibatu okuwaanyisaamu ekibatu**

شَادِقَةٌ إِنَّمَا تُنْهَىٰ عَنِ الْفَحْشَاءِ ۖ Sadaqah averts calamities indeed. Listen to a faith-refreshing parable in this context. Sayyidunā Imām ‘Abdullāh Bin As’ad Yāfi’ī رَجُلُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ سَلَامٌ yagamba mu kitabo *Raud-ur-Riyāḥīn*: Waaliyo omukyaala omu eyawa omugaati eri omuntu eyali omwetaavu (Miskin) ku lw’okusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ. Ng’awerekerwa mutabaniwe, yamala nagenda mu nnimiro

okuwa bbaawe emmere. Mu kkubo, ekisolo kyaluumba omwaana we era kyaali kiri kumpi kumumira mangu ddala omukono negulabika okuva mu Ghayb (awatalabwa) negukuba nnyo ekisolo ekyo, negutaasa omwaana. Olwo eddoboozi lyawulikika okuva mu Ghayb nga ligamba, ‘Owange omukyaala omulomgoofu! Twaala omwaana wo nga mulungi era nga takoseddwa! ‘Tukuwadde ekibatu okuwaanyisaamu ekibatu’ (i.e., wawadde omuntu omwaavu ekibatu (ky’omugaati), olwo nno Allah ﷺ awoneyzza omwaana wo okufuuka ekibatu ekiriibwa ekisolo ekyo).’ (*Raud-ur-Riyāḥīn*, pp. 274)

Tusaba Allah ﷺ abasaasire era atusonyiwe kulwabwe nga tetubaliddwa!

أَمِينٌ بِحَجَّةِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

## Ani muddu wa Ssitaani?

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Oyo alina omukisa okubeera n’obwagazi bw’okuwaayo obugagga bwe mu kkubo lya Katonda abeera yesiimye nnyo, naye ate oyo omubuyabuya asiiba ng’addukira obugagga bw’oku nsi n’ebiyamasanyu n’okukkusa obwagazi bwe obukyaamu alinga omuddu wa sitaani.

Hujjat-ul-Islam Sayyidunā Imām Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazālī رحمه الله تعالى عَلَيْهِ يagamba mu kitabo kye ekimanyiddwa enyo mu nsi yonna ekiyitibwa *Iḥyā-ul-‘Ulūm*: Dinari ne dirihamu [i.e., ebinusu bya zaabu ne feeza] ezasooka

bwezakolebwa, sitaani yazisitula, nazinywegera era naziteeka ku kyeenyi kye; olwo nagamba, ‘Oyo yenna abaagala muddu wange.’ (*Iḥyā-ul-‘Ulūm*, vol. 3, pp. 288)

## Aswazibwa!

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Nga bali wala nnyo n’okweralikirira kw’ebiensimbi, abatusooka abalongoofu baali balina omukisa ogw’okubeera n’obugagga obutuufu ogw’okwe kkusa n’okweigama ku suubi mu Allah ﷺ. Abo abantu abesiimye baali belalikirira nnyo ku bulamu bwabwe obwa Akhirat okusinga obulamu bwabwe obw’oku nsi. Baali bakimanyi bulungi nnyo nti okwagala obugagga kireeta obuswaavu n’okunyomebwa. Walī amanyiddwa ennyo Sayyidunā Shaykh Shibli رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Oyo ayagala eby’obugagga by’oku nsi anyomebwa era aswazibwa nnyo.’ (*Raudhah-Riyāḥīn*, pp. 139)

*Mayrā dil pāk ḥo Sarkār dunyā kī mahabbat say  
Muj̄hay ḥo jāye nafrat kāsh! Āqā māl-o-dawlat say*

*Omutima gwange gutukizibwe okuva ku kwagala kw’ensi.  
Kambeere n’okutamwa eri obugagga, Owange Rasūl!*

(Wasā'il-e-Bakhshish, pp. 133)

صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

## Okuzikirira okuleetebwa obwagazi eri obugagga

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okwagala obugagga kiteeka omuntu okugwa mu mutego ogw;okunyomebwa n'obuswaavu. Newankubadde ng'abanoonyi w'obugagga oluusi afuna ettutumu n'ekitiibwa kuno ku nsi, batera okuzikirira n'okufa faagana mu Akhirat. Ebigambo ebinoko ddwa waggulu ebya Sayyidunā Shaykh Shibli رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ birimu omusomo munene nnyo eri abo abasigala nga batamidde obugagga. Obwagazi bw'obugagga buzibya amaaso ge obutalaba biki ebinaddirira okuva mu mirimu gye mu Akhirat. Nga mubuyabuya ku kuzikirira kwe, tafaayo ku biragiro bya Allah عَزَّوجَلَ, ebigambo by'Omwagalwa Mustafa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ n'amateeka ga Sharī'ah. Okwerarikirira ku by'obugagga mazima kiteeka omuntu okubeera omubuyabuya ku Akhirat ye, kiteeka okukola ebibi bingi, ebimu ku bbyo mwe muli obutasasula Zakāh ne 'Ushr, obukodo, okuwaayo n'okufuna Riba n'enguzi, okukutula enganda n'aboluganda, okuliimba n'okubba sseente z'abalala etc.

## Obubi bw'obugagga

Shaykh-ul-Islam Shahābuddīn Imām Aḥmad Bin Hajar Makkī Shāfi'i رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yawandiika obubi bw'obugagga okuva ku lupapula olwa 565 okutuusa ku 567 mu voliyumu esooka ey'ekitabo ky'empapula 853 ekiyitibwa 'Jaḥannam mayn lay jānay wālay A'māl' [i.e., Emirimu ekitwala omuntu mu muliro]

ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami]. Kannokole yo ebimu ku bbyo:

## Obubi eri eddiini

Obungi bw'obugagga kikubiriza omuntu okukola ebibi. Okusooka, kimuteeka okunyumiwa amasannya agakkirizibwa nagalemerako nnyo okutuusa nga tasobola kugavaako. Bwaba nga tasobola ku byetusaako mu ngeri ezikkirizibwa, oluusi atandika okufuna ensimbi mu ngeri eri Ḥarām (etakkirizibwa). Okweyongerayo, omuntu omugagga atera okubeera ng'alina enkolagana n'abantu bangi nnyo. Asisinkana abamu n'obu nanfuusi nabasanyusa oba n'abanyiiza nga bwajemera Allah ﷺ. Mu kino, akola ebibi bingi ebinene ng'okuteeka wo obulabe, enjwukana, ensaalwa, okwalaga, okwekulntaza, okuliimba, okugeya, n'olugambo.

## Obubi bw'oku ensi

Obubi bw'oku nsi obusisinkanibwa abantu abagagga bulimu okutya, okunakuwala, ebirowoozo ebingi, emitawaana, okuk emebwa okufuna esseente enyingi ko okusobola okukuuma ekitiibwa, okwelalikirira ku bukuumi bw'obugagga bwe, etc.

## Omuddu w'obugagga azikiridde!

Imām Ibn Hajar رحمه الله تعالى عليه yagamba: Obugagga si bulungi ddala ate neera si bubi ddala mu mbeera zonna. Amazima,

oluusi kigwaanirwa ate oluusi kitamwa. Nolw'ekyo, omuntu bwafuna obugagga nga busiinga ebyetaago bye, kiringa nga bwebeera nga yewaddeyo okuzikirira kubanga omuntu abeera alina eky'omu buntu ekimuziyiza okulungamizibwa era nekim uteeka okugoberera obwagazi bwe obw'omwooyo omuk yaamu. Ate obugagga buyamba nnyo mu kino. Na bwekityo obugagga obungi buleeta ebibi bingi nnyo mu mbeera eno. Ye **صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ** yayongera nanokola Hadiš emu eya Nabbi Omwagawa era Ow'emikisa، ‘Omuddu wa dirihamu ne dinaari azikirire!’

(*Sunan Ibn Mājah*, vol. 4, pp. 441, Hadiš 4136)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Singa Allah عَزَّوَجَلَ atufuku muka ko okusaasira n'atujjako obwagazi eri obugagga okuva mu mitima gyaffe era natusobozesa okufumiitiriza ku bulungi bw'obulamu bwaffe mu Akhirat ekifo ky'okulu lukanira okuku nganya obugagga bw'oku nsi! Nsaba Edduwa eno eyanukulwe!

*Qalīl rauzī pay do qanā'at*      *Fuzūl goyī say day do nafrat*  
*Durūd paṛhnay kī bas ḥo ‘ādat*      *Nabī-e-Rahmat, Shafī’-e-Ummat*

**Okuvvuula:** Owange Nabbi wa Rahmāh era Omuwolereza wa Ummah مَحَمَّدًا صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ! Mpa omukisa okubeera n'okwekkusa okw'enfuna entono, omuze ogw'okusoma Salat n'okutamwa emboozi etagasa. (*Wasā'il-e-Bakhshish*, pp. 106)

صَلَّوْا عَلَى الْخَيْرِ      صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## **Ekkubo ery'okuwangula**

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Kusaba kwange okwa Madani nti mwegatta ku mbeera ya Madanī eya Dawat-e-Islami. Bwojegattako bwoti, ojjakufuna endowooza ey'okufuna okuwangula mu Akhirat ekifo ky'okukunganya amakun ganyizo g'ebyobugagga by'oku nsi. Bwoba nga ddala oyagala okufuuka omulongoofu, okujjawo obwagazi obutajja mu magezi obw;obugagga, okufuna obwagazi okusiimibwa Katonda, okukolera ku Sunan n'omutima gwonna, olwo nno sigala nga wekwatira ddala ku kibiina ky'ensi yonna ekitali kyabaybufuzi ekibuulira Quran ne Sunnah - Dawat-e-Islami. Wangaala obulamu bwo ng'okolera ku Madanī Inamat era tambula ne Madanī Qafila. Ojjakufuna obuwanguzi mu bulamu bw'oku nsi ne mu Akhirat, *ان شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ*. Wano waliwo ekyafaayo kya Madani okukukumaakuma.

## **Edduuka lyā vidiyo kaseti lyaggalwawo**

Mu bufunze bino by'ebigamba by'owoluganda omusiraamu omu okuva mu Landhi (Bab-ul-Madina Karachi) : Waaliyo ow'oluganda omusiraamu omu eyali abuulirira 'Square Dars' mu kitundu kyaffe n'obujjumbize obwamaanyi ng;ayita eri obulongoofu. Lumu, nannyini dduuka erya vidiyo kaseti yafuna omukisa okwetaba mu Dars eyo. Ng'omubuulirizi wa Dawat-e-Islami ataandika Dars okuva mu Faizan-e-Sunnat, ebigambo bya Dars, nga bijjude okutya kwa Katonda, okwagala Nabbi n'okufumiitiriza ku Akhirat, byayingira omutima gwa

nannyini dduka eryali lituunda vidiyo kaseti. Oluvannyuma lwa Dars, omubuulirirzi yamuyita yetabe mu Ijtimā eyagazisa Sunnah eya buli wiiki eya Dawat-e-Islami, nga bwakola kaweefube wa ssekinoomu. Yakkiriza era neyetaba mu Ijtimā. Olw'emikisa gya Ijtimā, ecukacuka enungi nyingi ezajja mu mpisa era, oluvannyuma lw'akaseera, yaggalawo eduuka lya vidiyo natandika omulimu gw'okutuunda wuzi, nafuna enyingiza eya Halal sustenance.

*Mal-e-dunya hay dono jahan mayn wabal*

*Aap dawlat ki kasrat ka chorayn khayal*

*Qabr mayn kaam aye ga hergiz na mal*

*Hashr mayn zarray zarray ka hoga suwal*

Va ku ndowooza ey'okukungaanya obugagga kubanga kikosa obulamu obw'oku nsi ne Akhirat. Obugagga bwo tebuja kuwerekera mu ntaana yo. Amazima, ojjakubuuzibwa ku buli nnusu ku lunaku lw'enkomerero.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## **Obukwakkulizo bw'okukungaanya eby'obugagga**

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Wano waliwo okunokola okuva mu kibuuzo n'okwanukulwa okukwaata ku mbeera ez'anaj awulo ez'okukungaanya oba obuta kungaanya by'abu gagga. Binno bijja kwongereza ddala ku kumaya kwo, اَن شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

A'lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yabuuzibwa ekibuuzo kino: Omuntu alina okulabirira famire ye amala ebyetaago byabwe mu ngeri eyawakati ng'akozesa omusaal gwe ogw buli mweezi oba buli mwaaka, ate nawaayo ensiimbi ezisigadde mu kkubo lya Allah nga taterese sseente yonna okumaliriza ebyetaago byabwe ebinajja mu maaso. Ku ludda olulala, waliyo omuntu omulala akozesa ekitundu ky'enfuna ye mu kumaliriza ebyetaago bya famire ye, ekitundu ekirala nakiwaayo ng'akigaba ate ekitundu ekirala nakitereka nga kyakumaliriza ebyetaago bya famire ye ebinajja mu maaso. Ani kw'abo ababiri asinga obulungi?

**Okwanukula:** Bwewaba nga mulimu ebigendererwa ebirungi, enkola z'ombi ebbiri ezo nungi. Kimu ku bibiri kisinga ku kinnaakyo oba kisaana, okusinziira ku mbeera y'omuntu. Ahādiṣ ezitubuliddwa ez'ogera ku kino za njawulo ate enkola y'abatusooka abalongoofu nazo za njawulo.

**أَقُولُ وَبِاللَّهِ التَّوْفِيقُ** N'obusobozi obuwereddwa obwa Katonda, ndi mu kunyonyola obumpimpi obwetagisibwa ku nsonga eno: Amazima, waliyo abantu b'amiteeko ebiri. (a) Munfarid: Omuntu awangaala yekka ssokinoomu. ne (b) Mu'il: Owa famire, i.e. oyo alina famire gyalina okulabirira. Newanku badde ekibuuzo kikwaata kw'abo abalina famire, buli alina famire atwaalibwa nga 'ssekinnoomu' mu kwogera ku muntu omu era alina okugoberera amateeka g'egamu ag'obulamu bwe obwa ssekinnoomu ng'obunyonyoddwa obw'muntu omu owa

nna munigina. Nolw'ekyo, ebingi ebikwaata ku mbeera z'ombi birina okutesebwaako mu ngeri y'abamanyi.

1. Abo abasazeewo okubeera abasiinzi ku lw'okusanyusa Allah ﷺ era nga tebalina famire yonna yadde buvuna anyizibwa eri yyo, basuubiza Allah ﷺ nti tebajja kukun gaanya bya bugagga, bafugibwa ekisubizo ekyo ekyobu tatereka bya bugagga. Bwebatereka ekintu kyonna, kiringa okukola ku kyennyume ky'okusuubiza okwo, era kiraga obunafu bw'obukkiriza bwaabwe. Abantu bwebati bweba tereka ekintu kyonna, basaana kubonerezebwa.
2. Omuntu yenna afuna obuyambi ng'alaga obwaavu era ng'alaga okwesigamira ku Allah ﷺ ate ng'ayagala okuki kolerako lubeerera, kijja kubeera nga tekikkirizibwa gyaali okutereka obuyambi bwonna kubanga kuno kuliimba. Obuyambi bwonna bwafuna ng'abadde atere se obuyambi obumu bujja kubeera Haram era nga ssi butukuvu.
3. Omuntu bwaaba nga akimanyi nti Nafs ye ejja kumu kubiriza okukoza esa esseente enyingi ezifisse mu kukola ebintu ebibi oba nti azikozesa okukola ekibi kyeyafuula omuze, olwo nno kiri Fard gyaali okwewala ebibi. Nga bweyamanyiira okukoza esa obubi esseente ezifisse, kyet teeka gyaali okukoza esa esseente ezo ezifisse mu kukola emirimu emirungi.

4. Omuntu agezesewba enjala nga talina bugumiikiriza era neyemulugunya ewa Allah ﷺ – yadde munda mu mutima nga tayatudde kigambo kyonna – oba nakola ekikolwa ebitakkirizibwa okugeza nga okubba n'okusa biriza etc, kyatteeka gyaali okutereka esseente nga zanaba yetaga. Bwaba nga mufunyi wa sseente ez'omupakasi ng'awangaala mukono-ku-mumwa, oba omukozi afuna omusaala buli bweezi, oba landiroodi ofuna asseenta buli bweezi okuva ku bapangisa abali mu njuze oba amaduuka ge, oba omulimi akungula ebimera bye emirundi ebiri omwaaka oba gumu buli mwaaka, olwo nno kya tteeka gyaali oyo afuna essente z'omupakasi okutereka sseente ezisasuddwa mu lunaku, afuna omusaala gw'omweezi eri oyo omukozi aweebwa omusaala, esseente ezisasuddwa abapangisa mu mweezi eri oyo landiroodi ate ebimera by'emyeezi mukaaga oba omwaaka mulamba eri oyo omu limi. Okweyongerayo, kyatteeka ddala okusigaza enyin giza enkulu ey'eseente okugeza ebyuuma byokozesa, eddu uka, ennyuumba etc. okusinziira ku byetaago.
5. Omunayi ayebinkira mu kuwa Fatawa n'okujawo enzikiriza ekyamu, ng'alina eb'obugagga n'ebintu bingi era olwo nabeera nga abeera n'obudde omukola emirimu gy'eddiini – ate nga tafuna musaala okuva mu tterekero ate nga tewali mumanyi mulala ayiinza okutuukiriza obuvunanyizibwa bwe, n'ekifuuka Fard gyaali okugenda mu maaso okukola emirimu gye egy'eddiini – kiri Wajib

gyaali okuzigaza enyingiza ye ekulu esinga okumuleetera sseente era atereke esseente ezimumala. Bwakozesa eby'o bugagga bye byonna, ajjakukakibwa okukola omulimu gwonna okusobola okutuukiriza n'okumala ebyetaago bye, era kino kijja kukosa engeri gyanatuukiriza emirimu gye eg'y'eddiini.

6. Bbewabaawo abamanyi abalala abayiinza okutuukiriza obuvunanyizibwa buno, olwo tekijja kubeera Wājib gyaali okusigaza enfuna ye enkulu era n'okutereka omuwendo gw'esseente ogwetagisibwa, naye asigala awebwa amagezi okukikola ekyo kubanga okusigala nga teweralikirira ku bya nfunu okusobola okusasaanya n'okusomesa obusiraamu kisinga nnyo okubeera ng'oli mu kukola sseente.
7. Ate, abamanyi gyebakoma okubeera abangi, kye kirungi ennyo. Omunayi omu bwakola ensobi yonna, bali abalala bajja kumutereeza, nga bamulungamya ku nnamula entuufu eya Sharī. Mu ngeri y'emu, omumanyi yenna bwason yiyizibwa okuva ku buvunanyizibwa bwe olw'obulwadde, etc., abalala bajja kudda mu kifo kye era emirimu gy'eddiini tegijja kukosebwa.
8. Newankubadde si mumanyi, omuntu bwaba nga muyizi wa ddiini era nga ajja kusanga obuzibu mu kufuna okumanya kw'eddiini bwaba nga yetabye mu kukola esseente, olwo naye awebwa amagezi nti alina okusigaza enfuna ye enkulu ey'ensiimbi era atereke esseente zeyetaaga.

9. Mu bufunze, okukunganya obugagga tekikkirizibwa mu mbeera ssatu, kiri Wajib mu mbeera bbiri ate kikubirizibwa mu mbeera bbiri endala. Omuntu yenna bwaba nga tagwa mu miteeko egyo omunaana waggulu, alina okufumiitiriza ku mbeera ye ey'omunda. Bwaba ng'awulira okwelalikirira nga takunganyizza by'abugagga nekimu sumbuwa mu kusiinza n'okukola Zikiri, olwo nno kisiimibwa okubeera nti atereka esseente ezetagisibwa. Abantu abasing bagwa mu muteeko guno.
10. Mu kukungaanya eby'obugagga, bwaba nga yeralikirira ku bukuumi bw'ebyobugagga bye oba nga abirowoozako nnyo buli kiseera, olwo kisingayo nga taterese byabugagga kubanga okusigala ng'olina akaseera akeddeembe okusobola okusiinza Katonda kyetagisiza ddala era kyonna ekikikosa tekikkirizibwa.
11. Abo abalina obwesigwa obwa namaddala mu Allah ﷺ nga tebafaayo ku kubeerawo oba ebbula ly'ebyobugagga, balina obuyinza okutereka eby'obugagga oba okubikozesa nga babigaba.
12. Okukoza esseente ezifisse nga toziterese kiri Wajib mu mbeera ey'okusatu ate kisiimibwa mu mbeera ezsigadde. Eri omunti ssekinnoomu kitamwa okukungaanya obugagga ate kinyomebwa kubanga kiraga okubeera nti otegeddwa omutego ogw'okubeera n'essuubi eppanvu n'okwagala kwensi.

## Omutambuze w'oku nsi

Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, ‘Wangaala ku nsi ng'olina omutambuze oba atayaaya, era wetwaale ng'ali mu ntaana. Bwosaanga amakya, tolowooza nti olweggulo luja kujja; ate bwekiba nga lweggulo; tolowooza nti amakya ganajja.’ (*Sunan-ut-Tirmizi*, vol. 4, pp. 149, *Hadiš* 2340)

## Temuwulira buswaavu?

Lumu, Rasūl Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba: ‘يَا أَيُّهَا النَّاسُ أَمَا تَسْتَحِيُونَ’ Abange abantu! Temuwulira buswaavu? Abantu babuuza: ‘Yā Rasūlallāh ﷺ Ku Iwaaki?’ Ye ﷺ yagamba, ‘Muterekka byemutajja kulya ate nemuziimba amayumba gemutajja kuwangaaliramu, era mulina ebirubirirwa byemutajja kutuukako. Temuswaala kw'ekyo.’

(*Al-Mu'jam-ul-Kabīr liṭ-Tabarānī*, vol. 25, pp. 172, *Hadiš* 421)

## Impermanence of the world

Sayyidunā Usāmah Bin Zayd رضي الله تعالى عنه yagula omuzaana (omuddu omukazi) ku bbaanja erya dinaari kikumi nga zakusasulwa mu mweezi gumu. Nabbi Ow'ekitiibwa ﷺ yagamba, ‘Temeweuunya Usāmah aguze omuzaana ku bbaanja ery'omweezi gumu?’ Mazima, Usāmah alina essuubi eppanvu. Ndayira oyo awanirira obulamu bwange! Amaaso gange bwengaggula, nsiima nti okufa kuja kuntuukako nga

sinnaba kutemya; ate bwenteeka ebbakuli ku mumwa gwange, sirowooza nti njakusigla nga ndi mulamu okutuusa bwengiteeka wansi; ate bwentwaala ekibatu ky'emmere, ndowooza nti okufa kujja kukiziyiziza mu ddokoli nga sinnaba ku kimira. Ndayira oyo awanirira omulamu bwange! Mazima, ekintu ekibasubiziddwa kijja kuyita; temuyinza ku kidduka.'

(*Attarqīb Wattarhīb*, vol. 4, pp. 108, *Hadīṣ 5127*)

Byonna ebyo waggulu bikwaata ku muntu ssekinoomu atalina ffamire yakulabirira. Oyo akulira ffamire, atwalibwa nga ssekinoomu mu bulamu bwe obwa namunigina. Naye, bwezikwaata ku buvunanyizibwa bwe ng'omukulu wa ffamire, amateeka ga njawulo. Katugatunuleko:

4. Shari'āḥ ekitadde Fard eri yye okuwanirira ffamire ye. Tayinza kubakaka kuwangaala bulamu bwakusiinza kwokka, okwesigamira mukama kwokka n'obugu miikiriza mu njala. Ayinza okwekalubya nga bwayagala naye okuleka ffamire ye nga terina byetaago bya bulamu kiri Ḥarām.
5. Nga bwekiwandikiddwa mu mbeera eya kumi nannya, omuntu yenna mu ffamire bwaba nga si mugumiikiriza, kibeera Wājib emirundi ebiri gyaali okutereka omuwendo gw'esseente ogwetagisibwa. Abantu bangi abagwa mu muteeko guno.

6. Oyo nga abaffamire ye bagumikiriza ate nga besigamira mu Allah ﷺ, olwo kibeera kikkirizibwa gyaali okukozesa obugagga bwe bwonna mu kkubo lya Katonda.

(*Fatāwā Razawiyyah*, vol. 10, pp. 311-327 concise)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Kantwaala akakisa kano okunnyonnyola obulungi bwa Sunnah ne Sunan ezimu n'empisa, nga nkomekkereza okubuulirira kwange. Rasūl Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, ‘Oyo ayagala Sunnah yanga anjagala ate oyo omuntu anjagala, ajja kubeera nange mu Jannah.’ (*Ibn 'Asākir*, vol. 9, pp. 343)

صَلُّوا عَلَى الْخَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

## Ebimuli bya Madanī 17 ebikwaata ku mpeta

1. Kiri Ḥarām eri abasajja okwambala empeta ya zzaabu (golodi). Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yaziyyiza okwambala empeta ya zzaabu. (*Ṣaḥīḥ Bukhārī*, vol. 4, pp. 67, *Hadīṣ* 5863)
2. Kiri Ḥarām okuteeka omuleenzi atali muvubuka okwambala eby'okwewunda ebya zzaabu era oyo ateeka omuleenzi oyo okukikola abeera mukozi wa kibi. (*Durr-e-Mukhtār*, vol. 9, pp. 598)

3. Empeta y'ecuuma kyakwewunda ky'abo abaazikirira (i.e., abanawangaalira mu muliro). (*Sunan-ut-Tirmiżī*, vol. 3, pp. 305, *Hadīš 1792*)
4. Kikkirizibwa eri abasajja okwambala empeta y'abasajja yokka, i.e., eyo erina ejjinja erimu. Bwekubaako amayinja agasukka mu limu, olwo tekijja kukkirizibwa eri abasajja newankubadde nga likoleddwa mu ffeeza (siliva). (*Rad-dul-Muḥtār*, vol. 9, pp. 597)
5. Mu ngeri y'emu, tekikkirizibwa eri basajja kwambala mpeta zisukka mw'emu (ezikkirizibwa) oba (emu oba nyingi) ezo empeta ezitalina jjinja kubanga empeta etalina jjinja tebalibwa nga mpeta. Abakyaala bayinza okwambala empeta ezitalina mayinja. (*Baḥār-e-Sharī'at*, vol. 16, pp. 71)
6. Newankubadde tewetaaga kukozesa mpeta nga sitaampou, kikkirizibwa okwambala empeta ya ffeeza ezitowa 4.5 Masha (i.e., 4 grams and 374 mg) ate ng'erina ejjinja limu. Naye, oyo atagyetaaga kugikozesa nga sitaampu ya yafeesi, kisiimibwa obutayambala yadde mpeta ekkirizibwa. Ate oyo eyetaaga okugikozesa nga sitaampu ya yafeesi, tekikoma ku kubeera nti kikkirizibwa kyokka wabula kiri Sunnah okwambala empeta ng'eyo olw'ensonga y'emu. Naye, omuntu bwajambala nga yeraga oba okufanana abakazi oba nekigendererwa ekirala ekibi, olwo tekikkirizibwa gyaali yadde okwambala engoye ezinyirira, kati ate empeta. (*Fatāwā Razawiyyah*, vol. 22, pp. 141)

7. Ku mikolo gya 'Eid, kisimibwa eri abasajja okwambala empeta ekkirizibwa eya ffeeza. (*Bahār-e-Sharī'at*, vol. 1, pp. 779 to 780)
8. Okwambala empeta Sunnah̄ eri abo bokka abetaaga okujikozesa nga sitaampu ya yafeesi nga Kabaka, Qādī ne Muftī akuba sitaampu ku Fatāwā (ng'akozesa empeta). Okujjako abantu bano, tekiri Sunnah̄ eri abo abatetaaga ku gikozesa nga sitaampu naye kikkirizibwa okugyambala. (*Fatāwā 'Ālamgīrī*, vol. 5, pp. 335)

Empete tezikyakozesebwa nga sitaampu naye sitaampu eyeyawuliridde ekozesebwa ku nsonga y'emu. Nolw'ekyo, tekikyaali Sunnah̄ kwambala mpeta kabeere Qādī, etc., abatetaaga kujikozesa nga sitaampu.

9. Basajja balina okwambala empeta mu ngeri nti ejinja lisigala munda mu kibatuate abakazi balina okuleka ejinja litunule emabega w'omukono. (*Al-Ḥidāyah*, vol. 4, pp. 367)
10. Empeta ya ffeeza (etalina jjinja) kyakwewunda ekyambalibwa abakazi ate, eri abasajja, kiri Makrūh̄ (tekikkirizibwa ate kibi). (*Fatāwā Razawiyyah*, vol. 22, pp. 130)
11. Abakazi bayinza okwambala empeta nyingi eza ffeeza oba zzaabu nga zebaagala kazibeere n'ejjinja oba nga tezirina jjinja. Eri bbo tewali kkomo ku buzito bwa ffeeza oba zzaabu ne ku muwendo gw'amayinja.

12. Empeta y'ecuuma bweba ng'esibidwaako ffeeza okutuusa ng'ecuuma tekirabikira ddala, olwo tekiganibwa kwambala mpeta ng'eyo. (*Fatāwā 'Ālamgīrī*, vol. 5, pp. 335)
13. Oyinza okwambala empeta ku kagalo konna ak'omukono naye olina okugyambala ku kagalo akatono. (*Rad-dul-Muhtār*, vol. 9, pp. 596; *Bahār-e-Sharī'at*, part 16, pp. 70)
14. Era tekikkirizibwa ate kibi eri omusajja okwambala akakomo newankubadde nga ka Mannat (okweyama kw'eddiini) oba *Dam*.
15. Mu ngeri y'emu, tekikkirizibwa kwambala mpeta etalina jjinja ekoleddwa mu ffeeza oba ecuuma ekirala oba empeta y'ecuuma ereteddwa okuva mu Madīnah Munawwarah ﷺ oba ekibuga ekitukuvu ekya Ajmer etc.
16. Era tekikkirizibwa eri basajja kwambala mpeta (etalina jjinja) ekoleddwa mu ffeeza oba ecuuma ekirala, nga *Dam* ajikoleddwaako, okujjanjaba 'piles' n'endwadde endala.
17. Bwoba ng'oyambala akakomo oba empeta etalina jjinja ng'ekoleddwa mu cuuma kyonna, gjijemu awatali kuliinda kwonna era wenenyē mangu ddala olw'okukikola.

Ekkunganyizo ly'ebyobugagga

Okusobola okuyiga enkumi n'enkumi za Sunan, gula ekituundu ekya 16<sup>th</sup> eky'ekitabo 'Baḥār-e-Shari'at' ekirina empapula 312, ne 'Sunnatayn aur Ādāb' ekirimu empapula 120 era obizome. Engeri enungi ennyo Sunan kwe kutambula ne Madanī Qāfilah̄ ezagazisa Sunnah eza Dawat-e-Islami mu kinywi ky'abagazi ba Rasūl.

*Lūtnay rāhmatayn Qāfilay mayn chalo  
Sūkhnay Sunnatayn Qāfilay mayn chalo*

*Haun gī hal mushkilayn Qāfilay mayn chalo  
Khatm ḥaun shāmatayn Qāfilay mayn chalo*

*Okufuna okusaasirwa, taambula ne Madanī Qāfilah̄  
Okuyiga Sunan, taambula ne Madanī Qāfilah̄*

*Okumala ebizibu byo, taambula ne Madanī Qāfilah̄  
Okufuna emikisa emingi, taambula ne Madanī Qāfilah̄*

صلوا على الحبيب ﷺ

## Okufuuka omulongoofu era omusiraamu asaala e Salah

Mala ekiro kiramba mu Ijtimah eyagaza Sunnah ey'abuli wiiki eya Dawateislami etegekebwaa buli Lwakuna oluvanyuma lwa Salat-ul-Maghrib mu kibuga kyo, okufuna okusiimibwa kwa Allah (عزوجل) n'ekigendererwa ekirungi. Okuyiga e Sunnah, kifuule kyabuli gyo okutaambula ne **Madani Qafilah** z'ennaku 3 buli mweezi n'abagaazi ba Rasul, okujzaamuu akatabo ka **Madani In'amaat** buli lunaku ng'okola **Fikr-e-Madinah** era okawe oyo ow'oluganda abuvunanyizibwakwo mu kifo kyo ku lunaku olusooka mu buli mweezi ogwa Madani.

**Ekiruubirirwa kyange ekya Madani:** “Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna، إن شاء الله عزوجل .” Okuloongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku **Madani In'amaat** ate okuloongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne **Madani Qafilah** إن شاء الله عزوجل .



Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net) | E-mail: [translation@dawateislami.net](mailto:translation@dawateislami.net)